## POLIISI EYIGGA OMUYIZI AGAMBIBWA OKUFUMITA MUNNE EKISO E MITYANA

POLIISI e Mityana, ekutte omuyizi w'essomero agambibwa okufumita muyizi munne ekiso ekyamusse nga balwanira omuwala. Akwatiddwa ye Edward Matovu omuyizi ku ssomero lya St. Francis SS e Busunju kyokka ng'abadde apangisa akazigo mu Kibubula A Cell West Ward mu Busunju Town Council e Mityana. Eyattiddwa ye Rajab Mulindwa, 19, ng'abadde muyizi mu Naggulu Seed Secondary School e Namayumba.

Kigambibwa nti omuwala Ndibassa, Hadijah Nabutanda, omuyizi mu Naggulu Seed SS, naye yafunye ebisago era ensonga ne ziroopebwa ku poliisi e Busunju. Omwogezi wa poliisi mu Wamala, Lamerk Kigozi, ategeezezza nti Nabutanda, yasoose kukyalira Mutovu mu kazigo k'apangisa, nti kyokka bwe yamusiibudde n'agenda ewa Mulindwa ekyatabudde abalenzi bombi ne balwanagana.

Shakira
ewaabw
Wagaga
Ward m
Division
ava ku c
ebintu. I
Kaziba,
mu kazil
gaabwe
n'amutta
poliisi e
tika, aga
kutte, ng
kukoleb